# Kaliisoliiso alabudde ab'e Kira ku mivuyo mu katale


TONNY KAYEMBA

Omumyuka wa Kaliisoliiso, Twinomugisha ng'alambula akatale k'e Kireka.

Bya TONNY KAYEMBA

AMYUKA Kaliisoliiso wa Gavumenti, Anne Twinomugisha Muhairwe alabudde abakulembeze b'e Kira okwewala okwenyigira mu mivuyo gy'okuzimba akatale k'abasuubuzi aka Kireka Main Market nga beegabira emidaala n'obuduuka ng'akatale kawedde okuzimbibwa.

Abyogeredde mu lukiiko lw'abasuubuzi lw'akubye ku kitebe kya munisipaali y'e Kira oluvannyuma lw'abasuubuzi mu katale kano okwekubira enduulu eri bbanka y'ensi yonna egenda okubazimbira akatale kano nga beemulugunya ku bukulembeze bw'e Kira obutakola kimala okulaba ng'omulimu gw'okuzimba gutambula bulungi.

Era abasuubuzi beemulugunya nti, abakulembeze abaaliko mu kiseera we baazimbira akatale akaliwo, beegabanya obuyumba n'emidaala, ne baleka abasuubuzi wabweru. Ne bagamba nti, batya nti, ne bano abaliwo bayinza okukola kye kimu.

Era beemulugunya ku bugazi bw'ekifo ky'akatale ne ppulaani gye baabaleetera nga wano World Bank w'esabidde ofiisi ya IGG okuyingira mu nsonga zino.

Twinomugisha asomedde olukiiko okwemulugunya kw'abasuubuzi bano n'okuddamu kwa Town Clerk wa Kira, Benon Yiga ku bweraliikirivu bw'abasuubuzi.

Mmeeya wa Kira, Julius Mutebi Nsubuga ategeezezza ng'akatale kano bwe kali mu mbeera embi kuba abaakazimba mu kusooka tebaakamaliriza. Akatale katonnya ate n'amazzi agava mu nkoko ezisalibwa gakulukutira mu bantu.

N'agamba nti, eno y'ensonga lwaki kassiddwa ku mwanjo ku butale obulina okukolebwako. Yagumizza abasuubuzi nti, tewali mukozi w'e Kira yenna oba omukulembeze agenda kuyingirira mulimu gw'abasuubuzi.

Yagambye nti, Kira yalondebwa bbanka y'ensi yonna okubeera munisipaali ey'okulabirako mu mirimu gyayo.

Benon Yiga yatebenkezza emitima gy'abasuubuzi bwe yabategeezezza nti, akatale oluggwa okuzimbibwa emidaala agenda kusooka kugiwa basuubuzi ababadde mu katale akakadde n'ababadde bakolera ku nguudo. Era yasuubizza okuteeka mu nkola IGG bye yayogeddeko.

Yasabye abasuubuzi ababadde emabega w'okulemesa enkulaakulana bakikomye batambulire wamu basobole okutuuka ku lyengedde.